# Ab'e Mukono beekokkodde abasawo n'embeera embi mu malwaliro ga Gavt.

Bya JOANITA NAKATTE

ABANTU ab'enjawulo bavuddeyo ne balaga obutali bumativu bwabwe ku mbeera embi eri mu malwaliro ga gavumneti nga kwogasse n'engeri eyennyamiza abasawo abakolera mu malwaliro gano bwe bayisa abalwadde oluusi eviirako n'abamu okulugulamu obulamu.

Bano okwogera bino baasinzidde mu lukung'aana lw'ebyobulamu mu ggwanga olwasookedde ddala, olwategekeddwa minisitule y'ebyobulamu e Kisowera mu ggombolola y'e Nama mu disitulikiti y'e Mukono.

Lwetabidwaamu abakulira amalwaliro ga gavumenti ag'enjawulo mu ggwanga okwanukula ebibasoomooza mu by'obulamu omwabadde ab'eddwaliro lya Mukono General Hospital, Mulago Referral Hospital, Entebe Grade A Hospital, Kawempe National Referral Hospital n'ab'amalwaliro ga Gavumenti amalala agawera.

Omu ku beemulugunyizza eri abakulu bano ye Zeridah Nakyobe eyategeezeezza nga bwe yafiirwa omwana we eyalina obulwadde bwa Nnalubiri olw'obulagajjavu bw'abasawo abaagaana okumukolako mu budde kyokka nga yali mu mbeera mbi nnyo.

"Omwana wange yakaabanga obulumi naye ng'abasawo bali ku mmeeza bantunuulidde, era yamala kunkutukira mu ngalo olwo ne bakozesa obwangu okujja okulaba ogubadde.



RDC Ndisaba

Mubuulire abantu bakimanye nti amalwaliro ga Gavumenti tuteekeddwa okusasulayo ku ssente, naye bwe mudda wano ne mutugamba nti obuweereza bwa bwereere ate nga bwe tugendayo bikyukamu naffe tusoberwa."Nakyobe bwe yagambye.



Dr Kyabayinze

Mary Kaitesi naye yakukkulumidde abasawo ku ddwaaliro lya Mukono General Hospital abasaba abalwadde ssente ne bagaana n'okubakolako naddala abayi.

Yawadde eky'okulabirako eky'owooluganda lwe omwana gwe yafiira munda olw'abasawo okugaana okumulongoosa nga tannasasula nsimbi kyokka nti oluvannyuma lw'okuzibawa, ono yabalemerera n'afiira mu kkubo bwe baali bamwongerayo e Kawempe, embeera eyabakosa ennyo.



JOANITA NAKATTE

Abamu ku beetabye mu lukungaana luno bwe baabadde bawaayo endowooza zaabwe.

Esther Nantale yasabye amalwaliro agali mu Mukono gonna agatatalina lukusa kulongoosa gaweebwe ambyulensi ezisobola okubongerayo mu malwaliro amanene ssinga babeera balemereddwa okuzaala. Mu birala bye beemulugunyizzaako mwabaddemu abasawo okukambuwalira abalwadde, ebbula ly'abasawo mu malwaliro ga gavumenti, ebbula ly'ebitanda mu malwaliro gano nga n'abalwadde abamu babeebasa wansi n'ebbula ly'ebizimbe mu malwaliro gano.

Kuno baagasseeko n'ekizibu ky'abasawo okuva mu malwaliro ag'obwannanyini abakuba ebichuba mu malwaliro ga Gavumenti ne balongoosa abalwadde olwo abagaddukanya ne babakanda ensimbi ez'okubasasula.

RDC w'e Mukono, Fatumah Ndisaba Nabitaka wano we yasinzidde n'asaba Gavumenti okulowooza ku ky'okwongera ku basawo mu malwaliro ga Gavumneti ate n'okubawa omusaala ogusaanidde okwewala okusaba abalwadde ensimbi n'okulya enguzi.

Omu ku bakungu mu minisitule y'e by'obulamu, Daniel Kyabayinze eyakiikiridde Diana Atwine omuwandiisi ow'enkalakkalira mu minisitule eno yakakasizza ng'obujjanjabi mu malwaliro ga Gavumenti bwe buli obw'obwereere abantu kye baawakanyizza bwe baamukubye olube, bwatyo n'abasaba okuyambako Gavumenti okubaloopera abasawo ababasaba ensimbi mu kyama, kibasobozese okubanoonyeerezaako.